# Lwaki URA tetaasa abakozi ku musolo gwa 'Pay As You Earn' ogutunyigiriza?

BULI Lwakusatu, akulira ekitongole ekiwooza emisolo ekya URA ayanukula ebibuuzo byammwe ku nsonga ezitali zimu. Ebibuuzo abyanukula ng'ayita mu lupapula lwo olwa ***Bukedde***. Weereza ekibuuzo kyo ku nsonga yonna ku misolo n'obusuubuzi ku nnamba eno, **0701625460** byonna ajja kubyanukula.


Abakola mu ofiisi be bamu ku basasula omusolo gwa Pay As You Earn.

**Lukwago e Kakiri – Bannange omusolo gwa PAYE gususse obungi era kati kumpi gwe tukolerera. Lwaki temutwogerako ne gukendeera.**

Mwami Lukwago, omusolo gwa Pay As You Earn gusasulwa buli muntu alina ennyingiza eva mu kukozesebwa. Ennongooserеza mu mateeka gano zikolebwa Palamenti, ne minisitule y'ebyensimbi, olwo URA n'essa mu nkola ennongoosereza zino. Enkola y'omusolo guno eri nti guwoozebwa okusinziira ku nnyingiza. Oyo ayingiza ekitono, asasula omusolo mutono, kyokka oyo ayingiza ekingi, asasula omusolo ogusingako.

**Ekibiina ekizannya firimu kisasula ssente mmeka okubaawo nga tekifunye buzibu okuva mu Gavumenti wadde nga tekirina nnyingiza ntuufu nga kiyimiriddewo ku bazirakisa (Lawrence Bukenya)**

Mwami Bukenya, omusolo guggyibwa ku bizinensi okusinziira ku nnyingiza yaayo. Ekibiina ekizannya firimu bwe kiba kirina amagoba ge kikola kisasula ebitundu 30 ku buli 100 (30%) ku magoba ago. Kyokka bwe watabaawo magoba gakoleddwa, teri musolo gusasulwa ku nnyingiza.

**Weetegereze:** Newankubadde nga wayinza okuba nga teri musolo gusasulwa ku nnyingiza y'ekibiina ekyo, abakozi baakyo bwe baba basasulwa omusaala ogusukka 235,000/- buli mwezi, baggyibwako omusolo okusinzira ku bungi bw'omusaala gwe basasulwa.

Ng'oggyeeko omusolo ogukung'aanyizibwa URA, buli bizinensi eteekeddwa okufuna olukusa lw'okukola emirimu olumanyiddwa nga Trading License okuva mu Gavumenti y'ekitundu bizinensi eyo mw'esangibwa okugeza KCCA, ebibuga, munisipaali, Disitulikiti ne Town Council ez'enjawulo, nga wano bizinensi esasulayo akasente akatonotono okuweebwa olukusa olwo.

**Lwaki abantu abalina bizinensi entono temutusasuza musolo ya bizinensi yange era nkikola ntya?**

Bw'oweebwa TIN kitegeeza nti okola bizinensi, olina ennyingiza era otuukiriza obuvunaanyizibwa bwo ku musolo. Kyokka bwe weesanga nga bizinensi tesobola kugenda mu maaso olw'embeera eteebeereka, otukyalira n'otutegeeza nti bizinensi yo bw'etekyakola. Wano oweebwa ffoomu n'ogijjuza, olwo TIN yo n'eyimirizibwa. Bwe weesanga ng'ozzeemu okukola bizinensi, era otutegeeza TIN yo n'eddizibwawo.

URA
Uganda Revenue Authority
DEVELOPING UGANDA TOGETHER

**BUUZA KAMISONA**


Akulira URA, Musinguzi.

**Ababaka banaggyibwako omusolo ku ssente z'emmotoka?**

**Kamisoma nze mbuuza nti, ssente obukadde 315 ezigenda okuweebwa buli mubaka mu Palamenti y'e 12 okwegulira emmotoka muziggyako omusolo?**

Ensimbi eziweebwa ababaka ba Palamenti okugula emmotoka teziggyibwako musolo okusinziira ku tteeka ly'omusolo ku nnyingiza. Ababaka ba Palamenti baggyibwako omusolo ku musaala gwe bafuna gwokka. Ensako endala zonna teziggyibwako musolo. Newankubadde ensimbi zino teziggyibwako musolo mu kiseera we ziweebwa omubaka wa Palamenti, emmotoka gy'anaagula ejja kusasula emisolo egy'enjawulo ng'eyingizibwa mu ggwanga.

## Okusaanyaawo bizinensi z'abantu mu nteekateeka ya 'Trade Order' tekikendeeze emisolo?



Ttulakita ng'emenya obuyumba ne kiyosiki omubadde mukolerwa bizinensi mu nkola ya Trade Order.

**Musuubira mutya okufuna emisolo ng'abantu abandigiwadde ate mubagobaganya ku nguudo nga mukwasisa etteeka lya 'Trade Order'?**

Enteekateeka ya Trade Order yaleetebwa Gavumenti n'ekigendererwa ky'okulungamya engeri emirimu gye gikolebwamu okuli okubeera ne bizinensi empandiise mu mateeka nga ziddukanyizibwa mu bifo ebitegeerekeka, okukuuma ebibuga byaffe nga biyonjo, ssaako n'okussaawo okuvuganya okw'ekyenkanyi ng'abantu bonna bakolera mu bifo ebirambikiddwa obulungi. Mu ngeri endala, enteekateeka eno eyambako mu kwongeza omusolo ogukung'aanyizibwa kubanga bizinesi ziba mpandiise nga n'omusolo gwe zisasula gutegeerekeka bulungi. Noolwekyo, abasuubuzi bakubirizibwa okweyuna ebifo ebirambikiddwa okukoleramu okwewala okutaataaganyizibwa.

**Aba URA nsaba muleme kukoma ku kya kukung'aanya misolo kyokka, wabula mulondoole ne ku ngeri gye gukozesebwamu kuba kitumalamu amaanyi okuyita mu luggya nga tumaze okuzibawa?**

Obuvunaanyizibwa bwa URA kwe kukung'aanya omusolo ne guweerezebwa mu ggwanika ly'eggwanga (Consolidated Fund). Okulondoola ensimbi zino bye zikola kwa bitongole okuli Ssaababalirizi w'ebitabo by'eggwanga (Auditor General), Kaliisoliiso w'eggwanga (Inspector General of Government) ssaako obukiiko bwa Palamenti okuli COSASE, Public Accounts Committee n'ebitongole ebirala. Ekitongole kya URA okuweebwa obuvunaanyizibwa bw'okulondoola ensimbi zino, kulina kuyita mu tteeka lya Palamenti.